

# Noowa n'omujjuzo gw'amazzi

Yawandiikiddwa Edward Hughes
Ebifaananyi bya Byron Unger; Lazarus

Yavvuunulwa Rev. Fr. Dr. Francis Xavier Mbaziira
Yakozesebwa M. Maillot; Tammy S.

Ekinyumizibwa 3 ku 60

**M1914.org**

**Bible for Children, PO Box 3, Winnipeg MB  R3C 2G1  Canada**

Olukusa: Okkirizibwa okukoppa oba okufulumya bino,
Ebinyumizibwa kasita bitaba bya kutunda.






















Noowa n'omujjuzo gw'amazzi

Ekinyumizibwa okuva mu kigambo kya Katonda, Bayibuli

Bisangibwa mu

Entandikwa 6-10

"Ekigambo kyo we kiyingira. Kireetawo ekitangaala." Zabbuli 119:130

**Katonda amanyi** nga twakola ebintu ebibi by'ayita EKIBI. Ekibonerezo ky'ekibi, kufa.

**Katonda atwagala** nnyo, kyeyava atuma Omwana we Yesu okufiira ku musaalaba akole ekibonerezo ekyandibadde ekyaffe. **Yesu yaddawo okuba omulamu**, n'addayo mu Ggulu. Kaakano Katonda ayinza okusonyiwa ebibi byafffe.

**Bw'oba ng'oyagala okuva mu bibi byo**, gamba Katonda nti: "Katonda Omwagalwa, nzikiriza nga Yesu yanfiirira era nga kaakano yaddawo okuba omulamu. Nkusaba ojje mu bulamu bwange onsonyiwe ebibi byange, nsobole okuba n'obulamu obuggya kaakano, olwo ndyoke mbeerenga naawe olubeerera. Nnyamba okuba omulamu ku lulwo nga omwana wo. Amiina. Yowanne 3:16

**Somanga Bayibuli onyumyenga ne Katonda buli lunaku.**

Oluganda Luganda


Katonda n'alabula Noowa nti omujjuzo gw'amazzi gujja kujja gubikke ensi. Katonda n'awa Noowa ekiragiro nti "Zimba mu mbaawo ekyombo ekisobola okugyamu ab'omu maka go n'ensolo nnyingi."
3
Katonda n'abuulira Noowa byonna by'ateekwa okukola. Olwo Noowa ne yeemalira ku mulimu.
4
Abantu oboolyawo basekanga busesi Noowa ng'abannyonnyola ensonga
emuzimbisa ekyombo. Noowa n'ayongera okuzimba. Era n'ayongera okubabuulira ku Katonda. Tewaaba bamuwuliriza.
5
Noowa yalina okukkiriza kunene. Yakkiriza Katonda neewakubadde tewaali nkuba yali etonnye. Kyaddaaki ekyombo ne kituuka okutikkibwamu ebyetaagibwa okukiteekamu.
6
Olwo ensolo ne zijja. Katonda n'aleeta musanvu musanvu ku z'ebika ebimu, ate bbiri bbiri ku z'ebika ebirala.
7
Ebinyonyi ebinene n'obutono, ebisolo, omuli obutono n'ebinene, ne biyingira mu kyombo.
8
Oboolyawo abantu bayiira Noowa ebivumo ng'atikka ebisolo. Tebaalekera awo kukola bibi binyiiza Katonda. Era tebaasaba kuyingira mu kyombo.
9
Kyaddaaki ebisolo n'ebinyonyi byonna ne bikkalira mu kyombo. Katonda n'ayita Noowa nti: "Yingira mu kyombo ekyo ggwe n'abomu maka go."
10
Noowa ne mukazi we ne batabani be abasatu ko ne bakazi baabwe ne bayingira mu kyombo. Olwo Katonda n'aggalawo oluggi.
11
Awo enkuba n'ejja, n'efukumuka nnyo ku nsi okumala ennaku n'ebiro amakumi ana.
12
Omujjuzo gw'amazzi ne gubikka ebibuga n'ebyalo. Enkuba bwe yakya, n'ensozi empanvu zaali zibulidde mu mazzi. Ebiramu byonna ebissa omukka ne bifa.
13
Amazzi bwe gaasituka, ekyombo ne kiseeyeeya kungulu. Munda mwandiba nga mwalimu enzikiza, oboolyawo kyagendanga kyekoona, mpozzi n'okuba eky'entiisa. naye ekyombo ekyo kyawonya Noowa omujjuzo gw'amazzi.
14
Omujjuzo gw'amazzi nga gumaze emyezi etaano, Katonda n'asindika embuyaga ekaza. Ekyombo ne kigende mpolampola, ne kyewogoma mu nsozi z'e Ararati.
15
Noowa n'asigala mu kyombo ennaku endala amakumi ana, amazzi nga bwe gakendeera.
16
Noowa n'atuma Namunngoona n'ejjiba ng'abiyisa mu ddirisa ly'ekyombo. Ejjiba bwe lyabulwa awakalu we lirinnya ne likomawo mu kyombo.
17
Bwe waayitawo wiiki emu Noowa n'addamu okugezaako. Ejjiba ne likomawo n'akakoola akabisi ak'omuti gwa Uliva mu kamwa kaalyo. Nga wayiseewo ennaku endala musanvu Noowa n'amanya ng'amazzi gakalidde ku nsi, kubanga ejjiba teryakomawo gy'ali.
18